**EBIVUDDE MUKUNOONYEREZA KWA ALIPOOTA YA CAO**

**OKWEMULUGUNYA OKUKWATAGANA KU PULOJEKITI ZA BIDCO (#33385)**

**KALANGALA, YUGANDA.**

**OMWWEZI GWOKUTANO 2017**

**Yafeesi ya Compliance Advisor Ombudsman (CAO)**

**Kulwa**

**International finance corporation (IFC)**

**Multilateral Investment Guarantee Agency (MIGA)**

**Ba Memba ba Bank yensi Yona**

**www.cao-ombudsman.org**

**Ebikwata ku kitongole ki CAO**

Yafesi y`omuwi wa magezi era ekola ku nsonga z`okukwanaganya n`okulondoola, gyebayita (CAO), ye yafesi eyeetongodde nga eno yeekola kukulaga obwerufu mu kitongole ky`ensi yonna ekikola ku by`ensimbi kye bayita (IFC), okwo saako n`ekitongole kinakinku mukusiga ensimbi ekiyitibwa MIGA, nga bino byonna ebitongole bya mukago gwa banka yensi yonna. Ekitongole ki CAO kituuka buterevu ku mukulembeze w`ebanka yensi yonna singa wabaawo ensonga eyeetagisa amagezi n`okugonjolwa banka yensi yonna. Ekitongole ki CAO kiyimiridewo okuyamba okugonjoola obumulumulu okuva eri abantu abakoseddwa pulojekiti za IFC/MIGA mu bitundu byonna era nga kino kikolebwa mubulambulukufu era nga butwala ekigambo ky`obutonde bwensi n`ebiva mu mirimu gya pulojekiti zino eri obulamu bwa bantu nga ensonga enkulu.

Nga oyagala okufuna ebingi ebikwata ku kitongoleki kyalila ekibanja kino wamanaga,
www.cao-ombudsman.org

**OLUKALALA LW`EBINTU EBINNYONOLWAKO MU ALIPOOTA ENO**

Okunyonyola mu bulambulukufu bw`ebintu ebyenjawulo …………………………………………………..4

1. Ensonga eyogerwako ………………………………………………………………………………………………….5
2. Obuva n`obudda bwa pulojekiti ……………………………………………………………………………….6
2.1 Pulojekiti ……………………………………………………………………………………………………………………6
2.2 Ensonga ereese embeera okusajjuka …………………………………………………………………………6
3. Emboozi ennyonyola kubyakugganyizibwa …………………………………………………………………6
3.1 Eby`akozesebwa mukukugganya bwino ono ………………………………………………………………6
3.2 Okunyonyola ku nsonga ezitali zimu ezakonwako mu kiseera eky`okunoonyerezaako ku nsonga eno ……………………………………………………………………………………………………………………………7
4. Ebidako …………………………………………………………………………………………………………………….12

Emitendera ekitongole ki CAO gyekinayitamu okugonjoola ensonga ……………………………………14

**Olukalala olunyonyola mu bulambulukufu bw`ebintu ebyenjawulo**

BFA omukago gwa balimi ab`omubizinga bye Bugala

Bidco Kampuni/ ekitongole ekirima ebinazi era ekisogola ebiva mubinazi

CAO Yafesi y`omuwi wa magezi era ekola ku nsonga z`o akwanaganya n`okulondoola OBWERUFU

GOU Gavumenti ya Yuganda

FAO Ekitongole eky`amawanga amagate ekikola ku bye mmere

IFAD Ekitongole ky`ensi yonna ekikola kuby`emmere n`enkulakulana

IFC Ekitongole ky`ensi yonna ekikola kuby`okwanaganya ensimbi era nga kyekimusiga nsimbi mu pulojekiti

KDLG Gavumenti z`ebitundu mu disitulikiti ye Kalanga

KOPGA Omukago ogwegatiramu abalimi b`ebinazi

KOPGT Ekibiina ekivunanyizibwa ku nsimbi z`abalimi b`ebinazi e Kalanga

MIGA Ekitongole ekisizi ky`ensimbi mu bitongole eby`enjawulo

NAPE Ekibiina ekyabakugu abakola ku nsonga z`obutonde bwensi

OPUL Kampuni ensogozi ya Butto w`ebinazi

## 1. ENSONGA EYOGERWAKO

Mu mwezi gwa Gatonya wa 2017, ekitongole ki CAO kyafuna okwemulugunnya nga kuno kwali kwekuusa ku kampuni ya IFC ngeeno yali esize ensimbi mu kampuni ya Bidco Africa Limited eye Kenya. Kampuni ya Bidco Africa erina emirimu gyekola mu Uganda nga emirimu gino egikwanaganya ne kampuni ya Bidco mu Yuganda, era eno kampuni erina nessengejero mu Yuganda nga lino lisangibwa e Jinja. Mu kiseera kino kampuni ya Bidco esangibwa mu Uganda esengejja butto oyo aba mubirime bya kampuni ya Oil Palm Uganda Limited (OPUL) okuva mu binazi nemuteeka ku mutindo omulungi, OPUL ye kampuni ento/etandikibwako eby`okusengejja nga eno kampuni nayo ya kampuni ya Bidco Yuganda. Kampuni ya OPUL era yevunnanyizibwa ku masamba/ okulabirira amasamba g`ebinazi e Kalangala, era ye kampuni evunnanyizibwa okutuukirako ebintu ebivudde mu masamba nga tebannaba ku bisabaza okubitwala ku Kampuni endala eya Bidco Uganda esangibwa e Jinja okusengejjebwa. Kampuni ya Bidco Uganda essengenja, eteekateeka ebiba bisengejeddwa era n`ebigaba mu bifo ebitali bimu okusobola okutundibwa.

Omukago ogutaba abakuggu kuby`obutonde nga guno guyitibwa NAPE nga guyimiridewo kulw`abalimi abakunnukiriza mu makumi ana (40) abeegatira mu kitongole kyabwe ekya BFA nga ekitongole kino kisangibwa mu kizinga kya Bugala mu Kalanga Disitulikiti, kyateeka yo okwemulugunnya eri Kampuni ya Bidco Afica Limited. Okwemulugunya kuno kwetoololera kukikolwa by`okwonoona obutonde bwensi omuli okusaanyawo ebibira n`ekigendererwa eky`okulima ebinazi wamu ne kampuni eno obutaliyirira balimi abatwalibwako ettaka nga ettaka lino lyalimwako ebinazi, kuno kw`ogata n`obutasasula naabo abaafirwa ebintu byabwe olwa pulojekiti zino okuleetebwa mu kitundu.

Ekitongole kya NAPE ky`emulugunnya nti waaliwo enkolagana nnene wakati wa pulojekiti ya IFC nga eno eteekebwamu ensimbi kampuni ya Bidico Africa Limited, kampuni ya Bidco eya Uganda ne kampuni ya OPUL eya Yuganda. Kampuni ya Bidico Africa y`esinza emigabo emingi mu kampuni ya Bidico Yuganda kyoka nga ne kampuni ya Bidco Yuganda nayo erina emigambo egikunnukiriza mu bitundu 90 ku kikumi mu kampuni ya OPUL. Ekitongole kya NAPE ky`emulugunya nti Kampuni ya Bidico Africa erina ekigendererwa okukozesa ebintu ebifulumizidwa kampuni ya OPUL okufulumya ebintu nga bigasa Kenya yokka so si Yuganda.

Mumwezi gwa Mukutulansanja omwaka 2017, ekitongole ki CAO kyalaba nga okwemulugunya abalimi kwebalina olwa pulojekiti za Bidco kwali kusaana okutunuulirwamu okusala amagezi n`okukuvvunuka. Ekitongole ki CAO kyalina okuyita mu mitendera egiwera ko nga okukyalira amasamba era n`okusisinkana abalimi mu Uganda okufa ova n`obudaa bw`ensonga zino, CAO era yategeeza nti kyalina n`okukyalira kampuni za Bidco e Kenya anti yewasibuka kampuni ateekamu ensimbi oba okuwa obuyambi project za Bidco okugeza pulojekiti ya IFC. Okunoonyereza kwa CAO ku kwemulugunya kuno, kwazingiramu okwekennenya amakampuni agateeka ensimbi mu makolero gano era n`okwekennenya abo abaali beemulugunyiza Kampuni zino nga baagala wabeewo ekikolebwa mu bwangu dala okulaba nga embeera edda munteeko. Aripoota yebyava mukunoonyereza kw`ekitongole ki CAO eno ekukubira tooki mu mitendera gy`eyayitamu okukola omulimu guno. Aripoota ekuweera ddala ekifaananyi ekinyonyola

kampuni zino, baani ab`emulugunnya ku kampuni zino, biki ebyazuula oluvannyuma lw`okukyala ko mu bitundu omuli amakampuni gano ate nabiki ebinadirira ku nsonga eno.

## 2. OBUVA N`OBUDDA BWA PULOJEKITI

### 2.1 Pulojekiti

Baamusiga nsimbi aba IFC balina pulojekiti ne kampuni ya Bidico Africa, nga eno kampuni ya Kenya efuuse nakinku era efunye omusimbi mukutunda butto akozesebwa muby`okulya, avaamu amasavu agakozesebwa mu by`okufumba, eby`okwekolako mubantu ku mibiri nga muno mwemuli n`ebyo kukozesebwa mu bulamu obwabulijjo nga sabuni ayoza, emmere y`ebisolo, ebiyamba oba ebizimbulukusa mu bintu ebikandibwa. Pulojekiti IFC yeewola obukadde abiri mu busatu obwa doola (US$23miliyoni) kuno kw`ogata n`okwewola obukadde kumi nabusatu n`ekitundu obwa doola (US$13.5MILLION) okusobola okugaziya ekolero lya Bidico Africa Limited mu kibuga Thika wamu n`okuzimba esogolero epya mukibuga Tatu nga kino kisangibwa mu Kenya. Zino ensimbi zaali z`akuzimba Era pulojekiti eno yona yakubwamu tooki nga yakuweementa obukadde bwa doola 46 (US$46million).

### 2.2 Okwemulugunnya

Mu Gatonya wa 2017, CAO yafuna okwemulugunya nga kwekuusa ku nkoola ya kampuni ya Bidico Africa Limited mu Uganda wamu ne pulojekiti zayo. NAPE nga ye kampuni eyawaayo okwemulugunnya mumateeka nga ekikiridde omukago ogugata abalimi ogwa BFA yeemulugunya kunkola ya kampuni za Bidco mu bitundu mwe ziddukanyiza emirimo gyazo.

Abaawawabira Bidico beemulugunya nti Bidico, mulukujjukujju yatwala ettaka okuva ku balimi bamufuna mpola kyoka nga yabadizaako busamambizo ate nga nabamu tebaddizibwawo kintu kyonna olw`okutwala amataka gaabwe agaali gawezaako obuwanvu bwa eka 18,000 okwali n`ebibira binagwa dda, ekikolwa kino kyaleetera abalimi bangi okubundabunda era n`okubulwa ensimbi wamu n`ebintu ebiyimirizaawo amaka gaabwe. Awawabira era alaga okwemulugunya kumbeera embi abatuuze nga kati bakozi mu kampuni ya Bidco,  gyebakoleramu. Awawabira  yafulumya embeera eno yonna nga ayita mu mpapula z`amawulire era n`obutambi bwa vidiyo, wamu n`okunoonyereza nga ku no kwa kolebwa kampuni ya NAPE, ekitongole ky`ensi yonna ekya “Friends of Earth International”  wamu n`abali mu kisaawe ky`ebyenjigiriza abaakwatibwako ku nsonga eno. Obujjuvu bwebyo ebyava mu kunoonyereza kuno birambikiddwa bulunji mu kitundu 3.1 ekidako mu kiwandiiko oba aripoota eno.

## 3 EMBOOZI ENNYONYOLA KUBYAKUNGGANYIZIBWA

### 3.1 Eby`akozesebwa mukukungganya bwino ono/emitendera eggyayitwamu

Ekigendererwa ky`okunoonyereza kuno kwekufuna okutegeera okumala kubyekuusa ku nsonga yabawaabi oba abeemulugunya (abalimi abatwalibwako ettaka lyabwe mu Kizinga kya Bugala), okunoonyereza kuno kwakolerebwa ebirowoozo by`abantu abenjawulo nga tekulimu kwekubira ku luda olw`omuntu yenna okusinzira kunsonga gyebaawa. Okunoonyereza kuno era kulina ekigendererwa okumanya  kiki abeemulugunya/ abawabi kyebagala Yafesi y`omuwi wa magezi ekola ku nsonga z`okukwanaganya  n`okulondoola (CAO) era kiki IFC ekigabira kampuni za Bidico obuyambi kye zinakola

okumalawo okwemulunya kuno. (soma mu A, akatundu akongedwamu okunyonyola biki era n`emitendera ki CAO gyetuuseeko ku musango guno).

Okunonyereza kukwemulugunya kwakolebwa mu mitendera gino wamanga;

- Okusoma n`okusunsulira dala ebiwandiiko ebikwata ku pulojekiti eno
- Okufuna olukiiko n`abakulira IFC pulojekiti mu Kenya
- Ensisinkano n`abamu ku bakulira kampuni ya Bidico Africa e Nairobi mu Kenya
- Ensisinkano n`abamu ku bakulira e kimtongole kya OPUL mu bizinga bye Bugala mu Uganda
- Ensisinkano n`abemulugunya ku musango gunno mu bizinga bya Buganda, era n`abamu ku bakulira ekitongole kya NAPE
- Ensisinkano wamu n`abakozi ba gavumenti ya Yugandae Kampala nemu Bizinga bye Bugala mu Uganda
- Okukubaganya ebirowoozo wamu n`ebibiina byobwanakyewa wamu n`abamu ku batuuze b`omukitundu abasangibwa mu bizinga bye Bugala mu Uganda.
- Okukyalirako ebitundu ebimu ebigambibwa okuba nga byakosebwa mu bizinga bye Bugala mu Yuganda.

## 3.2 okunyonyola ku nsonga ezitali zimu ezakonwako mu kiseera eky`okunoonyerezaako ku kwemulugunya kuno

Ekitundu kya aripoota kino kinyonyola ensonga ezaazulibwa nga zikwata kunsonga eya loopebwa mu kampuni ya CAO, era nga zino ensonga tezirimu kwekubira ku ludda lwona

**Endowooza yabemulugunya ku nsonga eno**

Ensonga omuwabi z`asimbako essira mu musango gunno, zigwa mu bitti bisatu

i. Okutwala ettaka nga kyoka nebasasula banyiniryo akatano akatagya na mutaka lyebatwala ate nabamu obutabasasula
ii. Okw`onoona obutonde bwensi
iii. Ebizibu ebituuse ku balimi be bbali
iv. Embeera abakola mu kampuni ya Bidico gye bayitamu

### i. Okutwala ettaka nga kyoka nebasasula banyiniryo akatano akatagya na mutaka lyebatwala ate nabamu obutabasasula

Omuwabi yeemulugunya nti kampuni ya Bidico wamu ne gavumenti bavunnanyizibwa ku kutwala kwe ettaka ly`abalimi abakunnukiriza mu kikui n`omusobyo mu bizinga bya Bugala mu Distulikiti ye Kalangala n`ekigendererwa eky`okukola butto n`ebintu ebiringa ebyo, nga mukino baamennya endagano elambikiddwa IFC kun kola y`emirimo ey`okutano 5, (okufuna ettaka n`okusenvula abantu mu buwaze). Omuwambi / eyemulugunnya agamba nti ettaka lya puntibwa nga tebeebuziza era nga tebasabye na

lukusa okuva ku batuuze abaaliriko. Era ebyava mu ku punta ettaka lino tebyabuulirwa na batuuze. Kyoka abamu kubalimi abataataganyizibwa okuva ku ttaka lyabwe, baakakibwa okukiriza okubaliyirira obusente obutono obutaggya na mubugazi bwa ttaka lyabwe nga mukino tebaafa na kya bintu ebyali ku ttaka lino gamba nga amayumba n`ebirime ebyali ku ttaka era ne babasenvula.

Abamu ku balimi abaatataganyizibwa okuva ku ttaka lyabwe beemulugunnya okuba nga tebalina kyebafuna olw`okutataaganyizibwa okuva ku ttaka nga eky`obutabawa kantu baakyekuusa ku ky`okuba nti balina ettaka ttono nnyo okusinzira ku banabwe. Omu kubeemulugunya yategeeza nti yalina obunene bwe ttaka yiika 49 naye yassasulwako yiika 7 zokka. Abalimi bano abaali mu nakku eyekkitalo olw`okutaataganyizibwa ate nga tebasasulwa bayita mu mukago gwabwe ogwa BFA nebateekayo okwemulugunnya kwabwe mu mateeka nga bawawabira kampuni ya Bidico nga mukino kampuni ya Bidico bagiranga olw`obutabasasula oluvannyuma lw`okubanyagako ettaka lyabwe abamu nebatabasasula ate abandi nebasasulwa kitono. Omusango kati guli mu kooti enkulu eya Yuganda. Omukago gwa BFA gukikirira abantu abali eyo nga mw`ana (40). Naye olw`okuba nga omusango gukandaaliridde okusalwa, omuwendo gw`abalimi abalondool ensonga gukendeede negutuuka ku balimi makumi abiri abakyalemedde ku nsonga. Abeemulugunnya era bagamba nti okutwala ettaka lya bantu kwaviirako ebbula ly`emmere mu kitundu wamu n`abamu okusigala nga tebalina ttaka lya bwananyini. Abo abaweebwa ku nsimbi olw`okutwalibwako ettaka lyabwe baasigala tayo kubanga ensimbi zebabawa tezabasobozesa kuggula ttaka kubanga emiwendo gyettaka gyekalama/gyawaggulu nnyo. Olw`obutaba na ttaka abasing baasigala nga tebalina nawebajja nsimbi okusobola okugulira amaka gaabwe eby`etaago. Abantu era beemulugunnya nti kampuni ya butto weebinazi kasita yajja ku bizinga kuno, abalimi abasing baakakibwa okuva ku kulima ebirime nga emwanyi, muwogo wamu n`amatooke nebadda mu kulima ebinazi era n`ebyava nga birime byabwe baakakibwa okubiguza kampuni ya Bidco ku nsimbi entono nnyo. Olwembeera eyo, emmere esinga yalina okuvanga mu bitundu ebyessudde ekizinga ate kubuseere era neetundibwa ku beeyi eyawaggulu ku kizinga kuno.

### ii. Okw`onoona obutonde bwensi

Abeemulugunya bagamba nti kampuni ya Bidico eyonoona obutonde bw`ensi nga kino kivvolera ddala omutindo gw`okukola 6 ogulambikiddwa IFC (Biodiversity Conservation and Sustainable Management of Living Natural Resources). Abawaabi bagamba nti yiika 18,000 wakati w`ebitundu 30 kukikumi ne 50 kukikumi ebya gabira ganagwadda byatemwa mu kizinga kye Bugala okusobola okuteekawo ekolero era essogolero lya butto. Kino kireesewo ekyeya ekyamanyi mu bigambo byenkuba. Kyoka n`abalimi abajjibwa kuttaka lino tebaawebwa mwaganya kuttunda mbaawo ezzasalwa mu gabira era mu miti eggyasalwa mu mattaka mwebali oba okubakiriza okwokya Amanda okuva mumiti gino.

Abawabi beemulugunnya nti mu kikolwa eky`okusimba emiti gy`ebinazi gino, kampuni ya Bidco yalemererwa okuteeka ekiragiro eky`okuleka obuwanvu bwa mita 200 obwalambikibwa / obulambikiddwa mu ab`obutonde bwensi. Mu bitundu ebimu ekiragiro ky`ebyobutonde wekyagobererwa eky`okulekayo mita 200, abantu olw`okuba nga tebalina ttaka wakukolera mirimu gyabwe ebitundu bino kati mwebalimira emmere yabwe.

Abawabi era bagamba nti olw`okukozesa ebijjimusa ebiyitiridde ku ttaka elyasimbibwako ebinazi bino era n`okuba nti kampuni ya Bidco teyalekayo mita zimala omutzlina kukolebwamu kintu kyonna, kireetedde ebidagala ebifuuyirwa mu nnimiro zino okuyingira mu nnyanja. Kino kikendeezeza omuwendo gw`ebyenyanja mu nnyanja wamu n`okukosa abavubi. Abantu beemulugunnya nti ebidagala bino ebikozesebwa kampuni mu nnimiro zino bukosa obulamu bwabwe era n`obulamu bwensolo zaabwe ezirya omuddo ogwetoolodde amasamaba g`ebinnazi. Kyoka naabo balim okwetoolola ennimiro za kampuni ya Bidco bagamba nti ebiddagala bino bikoseza okukula kw`ebimmera bye basimba.

Abawaabi bagamba nti kampuni ya Bidico ekozesa ekimmera eky`obutwa okusobola okubikka wamu n`okuuma ebinazi wamu n`emitti gy`ebinnazi emipya. Kyoka ekimmera kino eky`obutwa tekikiriza kimmera kirala kyonna kummera kulirana amasamba gano okuggyako ekimmera ky`ebinazi kyoka. Kyoka ekyennyamiza, ekimmera kino kikula ku sipiidi ya yiriyiri obutagannya kimmera kirala kyonna okummera okwetoolola emiti gy`ebinazi bino. Abamu ku bantu abalina ebisolo bakomekereza ensolo zaabwe zifudde olw`okulya omuddo ogwetoolodde amasamba ga kampuni ya Bidico.

### iii. Ebizibu ebisanze abalina amasamba ebweru wa kampuni ya Bidco

Abawaabi beemulugunya nti nti kampuni ya Bidco tetuukiriza ndagaano gyeyakola kubyekuusa ku balina amasamba ebweru wamasamba ga kampuni ya Bidco. Omuwendo gwe basasula ebirime okuva mu balimi bano gwa nsekobuseko nga tegutukagana n`ogwo ogwalambikibwa ekitongole ky`ensi yonna. Kyoka n`omuwendo buli kiseera gw`ongera kusereba nga tebawa nansonga lwaki gusereba. Ku lwendagano eyakolebwa abalimi bebinazi wamu ne kampuni ya Bidco mu kitundu kino ebakugira okutunda ebirime byabwe ebweru wa kampuni ya Bidco oba okwekolera butto. Mu mbeera nga ebirime bya balimi bano birimu mbeera etatuukana na mutindo gwa kampuni ya Bidco, kampuni ya Bidco tesasula bimmera bino ate era tebidiza nakubidiza ba nnyini byo okubategeeza nti tebituukanye namutindo. Kampuni ya Bidco era tessasula nakabala akeeru akasangibwa munda mwe kibala kyekinazi kyoka nga akabala kano akeeru akasangibwa mu kinnazi ekakozesa okukola sabuuni anaaba. Okusasula abalimi beebweru w`emmisiri gya kampuni ya Bidco kukolebwa obudde bugenze nnyo. Kyoka ate abali bebweru baggula ebiggimusa okuva ku kampuni ya Bidco. Kirambikidwa nti endagano abalimi gyebakola ne Bidco erimu akawayiro akakatako omulimi okufuna okwewola kyoka nga aza amagoba mayitirivu okusinzira ku nsimbi zaaba yewoze.

### iv. Okwemulugunnya okukwata ku bakozi mu kampuni ya Bidco

Omuwaabi agamba nti kampuni ya Bidco abakozi beekozesa abasing bava wabweru wa kizinga kya Bugala era kino kireese okweyongera kw`abakozi abagwira mu kitundu muno. Olw`okweyongera kw`abakozi abagwira, okusaasanya kwendwadde kweyongedde nga sirimu mu kitundu nga kuno kwosa n`obumennyi bwa mateeka okweyongera. Era abakozi mu kampuni eno basasulwa obusente butono nga kuno kwosa n`okubakozesa ebbanga essaawa empanvu nga nessawa eziyiseemu tezissasulwa n`obutabawa byakwambala ebiziyiza obubenjje munnimiro za Bidco.

**Kampuni ya Bidco kyekyogerako**

Ebirowoozo wamu n`okuddamu kwa kampuni ya Bidco ku by`okwemulugunnya kwa bantu kwadirira ensisinkano eze njawulo okuva eri kampuni ya Bico Africa Limited eye Kenya, abakiise okuva mu gavumenti eya wakati wamu n`okuva ku disitulikiti wamu n`ekitongole kya OUPL ekya Yuganda. Kampuni ya Bidico yategeeza nti emirimu gyayo yali egikolera mu mateeka kyoka nti awawabira yalina ekigendererwa kye. Okusinzira ku mawulire agaali gayitinggana, gaalina ekigendererwa okulemesa kampuni ya Bidco okufuna obuyambi okuva mu nsi yonna. Naye kampuni ya Bidco yeewayo okuwuulira kwonna okwemulugunya kw`abantu kasita kubeera nga kukwa ku nsonga zeemanyiko. Kampuni ya Bidco yawaayo amasimu wamu nendagiriro ezenjaulo ez`abakozi baagavumenti ya Yuganda wamu n`ekitongole kya OPUL abadde abenkizo ennyo mumirimo gya kampuni ya Bidco nti era bano beebasobola okutuwa ekifaananyi ekyenkomeredde ku ngeri kampuni ya Bidco gy`ebadde ekolamu emirimu gyayo eri abantu.

Okusinziira ku Kmapuni ya Bidco, kampuni ya bIdco ya Gavumenti ya Yuganda era eno yaweebwa kampuni ya Bidco nga bayise mu kuvugannya n`okulaga obusobozi bwa kampuni ya Bidco era nga eno eteekebwamu ensimbi ekitongole ky`ensi yonna ekikola ku bye mmere nenkulakulana ekiyitibwa IFAD. Era gavumenti ya Yuganda yawaayo ettaka eryenkana obugazi bwa yiika 11,200 okuteekawo pulojekiti eno. Ku yiika ezaawebwa yo, yiika 7700 zaweebwa kampuni ya Bidco okusimbako ebinnazi era nga kuno ebinazi bya simbibwa ku yiika 6,440. Ettaka eryasigalira lyasigala lya kutuukiriza kiragiro kya bugazi bwa mita 200 eririna okulekebwa wo okwebulungiriza ebimmera bino pakka ku nnyanja. Ate yiika 4,000 zaawebwa abalimi abalina amasamba amatonotono. Era okuva pulojekiti eno weyatandika mu 2011, abalimi 1,110 beebenyigidde mu pulojekiti eno kyoka nga mu bano 600 bakyala.

Kampuni ya Bidco mukudamu okwemulugunnya kw`abantu nga kusinziira mu bintu ebyenjawulo kwekuno wammanga;

I. **Okutwala ettaka ly`abantu nga basasudwa katono akataja namutaka lyebabatwalako ate nabamu obutabasasula**

Kampuni ya Bidico yategeeza nti ettaka lyonna elya baweebwa gavumenti ya Yuganda telyaliko buzibu bwonna okujjako okwemulugunnya kw`omulimi okuva mu Bumanji ettaka lye eryalina obuzibu. Olw`okuba nti ettaka lya Yuganda libaddemu obumulumulu ebbanga lyonna eya wawabira yali tamannyi nti ettaka lino lyalina obwannanyini. Era pulojekiti weyatandika gavumenti ya Yuganda yaggula ettaka lino okuva ku nnanyini era abaali ku ttaka lino baawebwa puloti ezenjawulo webabeera. Abalimi baawebwa ebyapa era n`okusasulwa okusinzira ku bimmera n`ebintu ebyenjawulo bye baalina ku ttaka lino. Bano bonna abalimi baawebwa ettaka ewokuddukanyiza emmirimu gyabwe okuggyako omu eyagaana okumussasula kyoka era abeera mu kitundu ekyamuweebwa. Era Bidco yo egamba nti waliwo omutu omu yekka atanaba kussasulwa. Kyoka oyo omu atasasulwa yoyo akunze banne abalala abaasasulwa nabo okutandika okwemulugunnya nti ekyabaweebwa ng`okubasasula kwali kutono. Bano abantu abeemulugunnya beekolamu omukago oguyitibwa BFA era nebatwala omusango mu kooti nga bawawabira kampuni ya Bidco. Bingi nnyo ebikoleddwa Kampuni ya Bidco wamu ne gavumenti ya Yuganda okulaba nga ensonga eno tesajjuka era egonjoolwe wabweru wa kooti, naye kubanga omuwendo abeemulugunnya gwe bagala musukulumu nnyo ku kampuni ya Bidco, kino kyagaana. Kyoka

eky`abalimi okuweebwa ettaka ogwo mulimu gwa gavumenti ya Yuganda. Kampuni ya Bidco yali yeewaddeyo okugonjola ensonga zino okulaba nga emirimu gyayo gigenda mu maaso.

**ii. Okwonoona obutonde bwensi**

Kampuni ya Bidco yategeeza nti mu mwaka gwa 2007, omusango gwatwalibwa mu kooti nga guno guvunaana kampuni ya Bidco okw`onoona obutonde bwensi nga muno mwennyigiddemu n`okusaanyawo ebibira. Naye omusango guno kooti yagugoba era yalaga nti tewaliwo bujjulizi bumala obulaga nti kampuni ya Bidco yali yeenyigidde mu kwonoona obutonde bwensi nti era okwonoona ebibira okwaliwo, kampuni ya Bidco yali tekulinamu mukono gwonna. Bidco era yatutegeeza nti yateekawo miliyoni 50 eza Yuganda nga ze doola 13,800 buli mwaka okusobola okukuuma ebibira mu kizinga kino. Ku byekuusa ku kuleeta ekimmera ekyaletebwa kampuni okukuuma ettaka, kampuni ya Bidco yatutegeeza nti ekimmera kino si kya butwa ng abantu bweba kityebeka naye ekimmera kino kiyamba nnyo okugoba omuddo kutaka okuteetagisa oba omuddo ogw`obulabe wamu n`okukwata ettaka wamu n`obujimu obutakuluguka mu nnyanja. Era ekimmera ky`ekinazi bwekikula ekiddo kino ekyasimbibwa kifa kyoka kubanga kitya omusana omungi.

Kampuni ya Bidco yategeeza nti ebulwa ly`ebyennyanja munnyanja si nsonga ya bidagaladagala ebifuuyirwa mu misiri gy`ebinazi nebikuluguka mu nnyanja, naye kiva ku nvuba mbi eyefumbekedde ku nnyanja eno. Naye kati eggye lya Yuganda lya teekebwa wo okulaba nga lilwanyisa envuba embi. Buli luvannyuma lwa myaka esatu, kampuni ya Bidco ekebera amazzi g`ennyanja gano okulaba nti gakyali ku mutindo mu bigambo by`kukozesebwa mu mirimu egyenjawulo. Era ebiva mukukebera amazzi gano bitimbibwa ku yafesi za disitulikiti kyoka teziraga nga mbeera mbi nga abalala bwe bakirambika.

**iii. Okusomozebwa eri abalimi bebbali wa kampuni ya Bidco**

Kampuni ya Bidco yatutegeeza nti tekolagana buteerevu n`abalimi abatali mu kampuni yaabwe. Ekitongole kya KOPGT kikolagana n`abalimi bano nga kiyita mu mukago gwa Kalangala Oil Palm Growers Association (KOPGA) era nga eno yeegatiramu abalimi abakunnukiriza mu 2,000. Ekigambo ky`okwewola eri abalimi bano eyo enkola yagunjibwa wo gavumenti ya Yuganda. Era ensimbi zaawebwangayo ekitongole ky`ensi yonna ekiyitibwa IFAD nezigabibwa abalimi gavumenti ya Yuganda nga eyita mu kampuni eyitibwa KOPGT nga eno era yeekola n`ekubyokulondola abafunye ensimbi zino okulaba nga zidda mu gwanika. Ensimbi zino abeewoze balina kuzzizza mu luvannyuma lwa myaka ena (4) era nga kuno odizaako n`ekimu kya kusatu ku magoba. Ebirala ebyateekebwa mu ndagano, abalimu era balina okufuna endokwa/ensigo wamu n`ebijjimusa. Kampuni ya Bidco terina buvunannyizibwa mu kuwoola nsimbi balimi era wano ya tusindise ku kampuni eyiyibwa KOPGT ne kampuni eyitibwa KOPGA okufuna ebisinga wok u nsonga eno ekwata ku balimi abatali wansi wa kampuni ya Bidco.

Kampuni ya Bidco era yatutegeeza nti omuwendo okgusasulwa ku biva mu bibala by`ebinazi tegulambikidwa naye guno gukkanyizibwa ko akakiiko era nga kano kayita mu mitendera okulambika emiwendo gino nga kasinzira ku katale k`ensi yonna akakwanaganya emiwendo gya butto w`ebinazi. Wadde nga mukusooka abalimi bano tebyennyigiranga mukulambika emiwendo gy`ebintu ebiva mu nnimiro gy`ebinazi, mu mwezi gwekumi omwaka 2016, nga tusinzira kukwekalakasa okwabaluka wo kunsonga y`okugereka emissale, ky`asalibwawo nti abamu ku balimi balirondebwa nga ne beegata ku

kakiko okusobola okwennyigira mukulambika emiwendo gy`ebiva mu kulima ebinazi. Gavumenti ya Yuganda wamu ne kampuni ya Bidco basisinka buli luvannyuma lwa mwezi gumu okusobola okugonjola ensonga ezitali zimu ezekuusa ku pulojekiti. Waliwo era ne pulogulamu ku ladiyo emu nga eno ebeera wo buli wiiki okusobola okuwa abalimi omwaganya okutegeera obulungi ensonga za pulojekiti. Mu kiseera kino pulogulamu ku ladiyo getwogerako tennawa lukusa abawuliriza okukuba amasimu naye eyabye nnyo abantu okutegeera obukulu bwa pulojekiti. Kampuni yatutegeeza nti pulojekiti ekola bulungi era abalimi bafuna ensimbi eziri mu kawumbi kamu n`ekitundu aka Yuganda buli mwezi okuva mu birime bye batunza Bidco. Kubyekuusa ku bijimusa, kampuni ya Bidco yatandika okugula ebijimusa okuva mu mawanga amalala era weebituusa n`ebitunza kampuni ya KOPGT era kampuni ya KOPGT yeeguza abalimi ebijimusa bino okulaba nga ebibala byebakungula bya mutindo gwa waggulu.

**iv. Embeera embi abakozi ba kampuni ya Bidco gye bakolera mu**

Bidco yatutegeeza nti abakozi baabwe basasula ensimbi ezeegasa nga ensimbi zino zisinziira ku ngereka ya Uganda eyeemisala gya bakozi nga eteeka bwerikirambika mu Yuganda. Kampuni ya Bidco ewa omukozi waayo aw`okusula wamu n`obujjanjabi obujjanjabi kampuni ya Bidco bwewa tebuyamba mu kozi wayo yeka naye n`abantu b`okukitundu. Bidco yategeeza nti disitulikiti erina yafeesi ekola ku nsonga yabakozi nga n`olwekyo omukozi yenna waddembe okuteekayo okwemulugunnya kwe. Era ensonga bwenateekebwayo kampuni ya Bidco ejjakusisinkana omukozi ono era wamu ne gavumenti okulaba nga ensonga yona egonjoolwa bulungi.

## 4 EBIDAKO

Eyeemulugunnya wamu n`omuwawabirwa kampuni ya Bidco yeewaddeyo okulaba nga by`ennyigira munsonga zino okuzisalira amagezi n`okutereza embeera. Gavumenti ya Yuganda yeewaddeyo okwennyigira munsonga eno we kibeera nti ekiriziddwa enjuuyi zombie okubamu ku banga bwali buvvunanyizibwa bwa gavumenti okufunira kampuni ettaka okukolerako pulojekiti. Enjuuyi zonna zikiriza gavumenti okuyingira munsonga eno. Naye enjuuyi zonna zasabye abalimi abaasulwa eda okubategekera yo ekiseera ekirala webaba babasisinkanire.

Omulimu gwa CAO gutegekeddwa okutandika mu mwezi gw`okaaga mu mwaka gwa 2017

## Annex A. EMITENDERA CAO GYEYITAMU OKUMALAWO OBUTAKANYA

Yafeesi y`omuwi wa magezi era ekola ku nsonga z`o akwanaganya n`okulondoola (CAO), ye yafeesi eyetongodde mukulaga obwerufu eri ekitongole ky`ensi yonna ekikola mu byensimbi (IFC) wamu ne kitongole kimusiga nsimbi ki (MIGA) nga bino byonna bitongole ebiri mumukago gwa banka yensi yonna. Kampuni ya CAO etuusa ensonga buteerevu ew`akulira banka yensi yonna. Era nga omulimu gw`ekitongole kino kwekuyingira munsonga ezikosa pulojekiti z`ebitongole bya IFC/MIGA munger ennunggamu era n`okulaba nga tulaba omugaso gwa pulojekiti ku buttoned bwonna.

Okunoonyereza okusoose kukoleddwa ekitongole kya CAO ekikwanaganya obutali butebenkevu wamu n`okunoonya ekirina okukolebwa kunsonga ezitali zimu. Ekigendererwa ky`okunoonyereza ku; (1)

okufuunira dala ekituufu kunsonga eno eyeemulugunyizibwako abalimi, (2) okufuna ebirowoozo okuva mu bantu n`ebitongole ebyenjawulo ku ngeri bo gyebalaba mu ensonga eno, (3) okumanyisa abalimi ku bwananyi bwebalina ku by`obutonde obwenjawulo, okumanya oba balina enteekateeka ennuggamu era oba nga basobola okuggula oba okugoberera amateeka nga bwe galambikiddwa CAO oba omusango guno guwuulirwe CAO.

Ekiwandiiko kino kirimu ebyo ebyawuulirwa aba CAO mu kiseera ky`okunoonyereza, era kirimu emitendera egiddako, naye nga kino kiggya kubaawo nga enjuuyi zonna zisazeewo okufuna okuluggamizibwa CAO okusinzira ku mbeera y`obutakkanya. Kyoka ekiwandiiko kino tekirina kusalawo kwa nkomeredde.

Okusinzirakun kola ya CAO[1] bino bye bimu ku birina okugobeererwa mukwengganga obutakannya buno:

**Omutendera ogusooka (1): Okukiriza** nti CAO yafuna okwemulugunnya/ obuta kannya

**Omutendera ogw`okubiri (2): Obusobozi** bwa CAO okumaliriza eddimu lino mu bbanga eritali waggulu wa naku 15 ez`okukola.

**Omutendera ogw`okusatu (3): Okunoonyereza okuva eri CAO:** n`onnyereza era wekkanye ensonga eno era owe okumannyisibwa abavunannyizibwa ku nsonga eno, era ogerageranye olabe nga oba abavunanyizibwa ku kwemulugunnya kuno bandyetaaze okukaanya nga ku bayambibwako CAO oba ensonga yandyetaaze okukolebwako akakiiko ka CAO akatongole aka IFC/MIGA akatunnulira ensonga y`obutonde bw`ensi. Omulimu gw`okwekkenenya kino kyona kijja kukulungula ebbanga erikunnukiriza ennaku 120 ez`okukola.

**Omutendera ogw`okuna (4):** okuyamba kukusasula…enjuuyi zonna bwe ziba zikkanya okwegatta, akakiiko ka CAO akamalawo obutakkanya kajja kutondebwa wo. Emitendera eginayitwamu okugonjola ensonga eri akakiiko ka CAO kajja kusinzira ku ndagano enebagwawo era enekanyizibwako enjuuyi zonna. Era kino kiyinzaokwetagisa okuteeka wo ejjamba okuyambako okuyita mu mitendera gino gyonna okusobola okutuuka ku kigendererwa ky`enjuuyi zonna. Ekigendererwa ky`okugoberera emitenderagino gyonna mukugonjola ensonga eno kwe kuffuna ekyenkomeredde mukumalawo emirerembe kunsonga abeemulugunya gyebeesibyeko era n`okusfuna ensonga enkulu ereetebwa emirerembe gino[2].

**OBA**

**Okwekenenya/ Okunonyereza:** Bwe kiba nti enjuuyi zonna zikiriza okukkanya, akakiiko ka CAO, kajja kutegeka emibuuzo ebyenjawulo eby`ekuusa ku buttoned bwensi era n`obukwata ku pulojekiti ya Bidco, ebibuuzo bino byebinakozesebwa okulaba nga ebikkanyizidwako biyamba biyamba enjuuyi zonna.

[1] Okumanya ebisingawo ku mulimu gwa CAO osubola okugenda ku mutimbagano gwa http//www.cao.ombudman.org/about/whoare/index.html

[2] Bwebaba ngabavunaanyizibwako ennyo balemereddwa okugonjola ensonga mu budde obuweebwa, CAO asaba okuyambako okutereeza ensonga. Ekyo nakyo bwekiba nga tekisobose, CAO aba ajja kutegeeza abo abakwatibwako nga mw'otwalidde n'abakozi ba IFC ne MIGA, Omukulembeze wamu n'akakiiko akatwala bbanka enkulu ey'ensi yonna nabantu bonna okutwaliza awamu nti ombudsman wa CAO amalirizza okwenyingirw'amu kwe mu kwemulugunya era ensonga zikwasibwa omuweereza wa CAO.

Okutegeka ebibuuzo eby`okunoonyereza ku nsonga eno biyinza okutwala ebbanga eritassuka nakku 45 ez`okukola. Senga okunoonyereza kuno okusooka kubaamu eggumba, akakiiko ka CAO kajja kweyongera okussima ensonga munda naddala mu mirimu gy`akakiiko ka ekitongole kya IFC/MIGA. Aripoota yakufulu era emanyisibweko buli avunnanyizibwa kunsonga eno era nga eno ejja kwetoololera kubinaava mu kunonyereza kuno awamu nebinaava mukunoonyereza ku kitongole kya IFC/MIGA.

**Omutendera ogw`otano 5:** okwekanya ekigenze ekituukiddwako n`ekitatuukiddwako ate n`okulondoola ensonga.

**Omutendera ogw`omukaga 6:** okuggala wo omusango